# Basanyukidde Gavumenti okussa ebyemikono ku mwanjo

Bya ISMAIL NSUBUGA

ABASOMESA ebyemikono basanyufu olwa gavumenti okubiteeka ku mwanjo nga kati abazadde n'abayizi nabo babikkiririzaamu. Byabaddewo ku matikkira ga YMCA Comprehensive Institute ag'omulundi ogwa 28 ku ttabi lyabwe ekkulu e Buwambo.

Omukolo gw'okutikkira gwakuliddwa cansala w'ettendekero lino Polof. James Luyonga Nkata nga gwetabiddwaako ne loodi meeya wa Kampala, Ssaalongo Elias Lukwago n'abalala.

Akulira olukiiko lw'ettendekero lino olufuzi, Dr. Roseline Birungi Ssebaleke yayozaayoza cansala olw'okutuuka ku ddaala ly'ebyengijiriza erisinga ery'obwa pulofeesa era ye n'olukiiko lwe ne bamukwasa ekirabo.

Akulira ettendekero lino Dr. Herbert Mukasa yategeezezza nti abaatikkiddwa baaweereddwa satifikeeti, dipulooma, n'aba diguli abasobye mu 100. Yakakasa nti omuwendo gw'abawala abaatikkiddwa gukola ebitundu 80 ku buli 100 ate abalenzi ebitundu 20 ku buli 100, ekiraga nti abawala bettanidde nnyo amasomo g'ebyemikono. Yayogedde ku buwanguzi obutuukiddwaako ettendekero lino okuli n'okusitula omutindo kwe basomeseza abayizi ebyemikono.

Polof. Luyonga Nkata yasibiridde abayizi entanda bulijjo obutakoowa kusoma kuba tekuggwaayo n'okufuba okuteeka bye basomye mu nkola okukulaakulanya eggwanga.

ISMAIL NSUBUGA



Ccansala wa YCI, Prof. James luyombya Nkata ng'akwasa omu ku bayizi abaasinze bannaabwe ekirabo.